# Katikkiro agguddewo People's Hospital e Gayaza



Katikkiro Mayiga (ku kkono) ng'awuliriza Dr. Frank Ndugga eyazimbye eddwaaliro lino.



Katikkiro wa Buganda Charles Peter Mayiga (owookusatu ku kkono) ng'asala keeki ne Dr. Frank Ndugga (owookubiri ku kkono) omutandisi w'eddwaaliro lino. Okuva ku ddyo be baminisita b'Obwakabaka; Israel Kazibwe-Mawulire, Noah Kiyimba - owa kabineeti n'olukiiko, Choltilda Nakate Kikomeko- ow'enkulaakulana y'abantu. Ku kkono ye Kaggo Hajj Ahmed Matovu Magandaazi. Wakati aliraanye Katikkiro Mayiga ye muka Dr. Ndugga.

Bya DICKSON KULUMBA

KATIKKIRO Charles Peter Mayiga atenderezza abantu abasiga ensimbi mu byobulamu n'agamba nti bayamba mu kwongera ku buwangaazi bwa Bannayuganda.

Mayiga yagambye nti, bangi ssente balowooleza kuziteeka mu busuubuzi, amakolero, amasomero n'ebirala ebivaamu amangu ensimbi ne bagayaalirira ebyobulamu.

Yabadde ku mukolo gw'okuggulawo eddwaaliro erituumiddwa Peoples Medical Hospital ku kyalo Bulamu e Gayaza- Kyadondo.

"Si bangi abalaba obwetaavu bw'okusiga ensimbi mu byobulamu, amalwaliro gakyali matono, n'ago aga Gavumenti gakyali matono," Mayiga bwe yategeezezza.

Eddwaaliro lino lyazimbiddwa Dr. Frank Ndugga, atwala ebyobulamu mu ssaza ly'e Kyadondo. Yalambuzza Katikkiro eddwaaliro, ebyuma, ebitanda n'ebifo ebiri mu ddwaaliro n'atendereza omutindo ogwa waggulu kwe lizimbiddwa nga lye lisoose ku luguudo lw'e Gayaza.

Mayiga yasinzidde wano n'alambululira abantu ensonga 9 ezibaleetera okwetuumako endwadde n'abasaba okwetereeza basobole okwekuuma nga balamu. Mu bye yanokoddeyo kuliko; okweraliikirira, obuteekebeza ndwadde, okulya emmere eyitiridde, okunywa ennyo omwenge, obutajjumbira kwetangira ndwadde nga bangi batya n'okugemesa baana, obutakola dduyiro, obuteeyonja, obuteesanyusaamu n'obutawummula kimala.

Dr. Ndugga yalambuludde obujjanjabi obw'enjawulo bwe bazze bawa okuli;

- Okugema abaana buli Lwakutaano nga bagema abaana abasukka 360 mu mwezi.
- Okuzaalisa abakazi abasukka mu 800 buli mwaka. Tulina Tekinologiya ng'omukyala asobola okuzaala nga tafunye kulumizibwa.
- Buli mwaka tulaba abantu abasukka 60,000, abajja okufuna obujjanjabi nga bwe bagenda.
- Tulongoosezza abantu abalina obuzibu mu mimiro n'ennyindo abasukka mu 108.
- Ekitongole ekikuba ebifaananyi kikola ku bantu abasukka 70,000.
- Omwaka ekitongole ky'amannyo kikola ku bantu abasukka 2,700.
- Mu 2025 abantu 48,000 be bajja ku Peoples Medical Hospital okwekebeza omusaayi.
- Tusembeza obujjanjabi obulongoosa abantu amaaso.
- Tukolagana bulungi ne kkampuni za yinsuwa okuli 'Weerinde' ey'Obwakabaka, ICEA n'endala ezisukka mu 20.

Dr. Ndugga, omukugu mu byobujjanjabi agamba nti yayambako okutandika St. Joseph's Hospital e Wakiso erya Dr. Nicholas Mugagga era naye yamuyambyeko okutandika Peoples Medical Hospital.

Minisita w'ebyobulamu mu Buganda, Choltilda Nakate Kikomeko yamwebazizza olw'okwanukula omulanga gwa Kabaka ogw'okussaawo obujjanjabi obusoboka ate nga buli ku mutindo.

Omukolo gwabaddeko Mmisa eyakulembeddwa Fr. Jude Makanga, Bwannamukulu w'ekigo ky'e Gayaza.



Katikkiro Mayiga ng'aggulawo ejjinja ly'eddwaaliro lino.



Katikkiro Mayiga ng'afukirira omuti gwe yasimbye ku Peoples Medical Hospital e Gayaza. Ku ddyo ye Dr. Frank Ndugga.



Ekimu ku bitanda okulongooserwa abalwadde ku Peoples Medical Hospital.




Eddwaaliro lya People's Medical Hospital e Gayaza nga bwe lifaanana.



Omusawo ku kyuma ekibikka abaana abazaalibwa nga tebannatuuka.



Ebimu ku bitanda eby'omulembe ebiri mu ddwaaliro lino.